

Minisita w'ebyobulamu Jane Ruth Aceng ng'atongoza empiso etangira okukwatibwa akawuka ka mukenenya.

# Batongozza empiso etangira siriimu

Bya AGNES KYOTALENGERIRE

ABAKUGU mu kulwanyisa ekirwadde kya Mukenenya basabye Gavumenti eyongere ensimbi n'obuvujjirizi ng'eyongera ku bungi bw'eddagala eritangira okusaasaana kwa siriimu ery'empiso erimanyiddwa nga Lenacapavir.

Baasinzidde ku mukolo gw'okutongoza empiso ezitangira siriimu ogwabadde ku ddwaaliro ekkulu ery'e Lira. Eddagala lya Lenacapavir liweebwa omuntu mu ddoozi za mirundi ebiri nga buli ddoozi agifuna oluvannyuma lw'emyezi mukaaga, era liweebwa abantu abali mu bulabe bw'okukwatibwa akawuka ka mukenenya.

Akulira eby'okulwanyisa akawuka ka mukenenya mu kitongole kya Uganda Aids Commission, Dr. Daniel Byamukama, agamba nti eggwanga bwe liba lyakubaako we lituuka mu kulwanyisa mukenenya, Gavumenti erina okwongera ku nsimbi ez'okugula ddoozi z'eddagala lino n'okulireeta wano mu ggwanga.

Dr. Byamukama yagambye nti, eggwanga litandiseeko ne ddoozi 19, 000 kyokka obwetaavu buli mu bantu 37,000 abakwatibwa akawuka buli mwaka, okusinziira ku alipoota eyakolebwa omwaka oguwedde.

Agamba nti, kino kitegeezza eggwanga lyetaaga ddoozi 1,500,000 era olw'okuba zino ddoozi 19,000 zaavudde mu bavujjirizi, kye kiseera ne Gavumenti eguleyo ddoozi endala.

Alipoota y'omwaka 2025 ekwata ku mukenenya mu ggwanga eraga nti, abantu akakadde kamu n'ekitundu be bawangaala n'akawuka, nga emitwalo 93 bawala n'abakyala ate emitwalo 57 baami n'abalenzi.

Alipoota eraga nti abavubuka wakati w'emyaka 14-25, abawera 14,000 omwaka oguwedde be baakwatibwa akawuka nga ku bano ebitundu 70 ku 100 bawala ate abalenzi ebitundu 17 ku 100. Kyategeerekeka nti, bano okukwatibwa akawuka kisinga kuva mu kwenyigira mu bikolwa eby'omukwano nga tebagoberedde nkola za kukeetangira.

Akawuka kano mu Uganda kigambibwa nti kakendeddeko okutuuka ku bantu 37,000 mu mwaka 2024, sso ng'abaana 4,700 be bakyazaalibwa n'akawuka buli mwaka.